



جوانی کیے گواراں؟ (Luganda)

OBUVUBUKA BWAFFE TUBUMALE TUTYA?



Presented by
Majlis **Al-Madina-tul-'Ilmiyyah**

Translated into English by
Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)

جوانی کیسے گزاریں؟

Jawani Kaysay Guzarayn?

OBUVUBUKA BWAFFE TUBUMALE TUTYA?

Shaykh-e-Ṭarīqat Amīr-e-Aḥl-e-Sunnat, Omutandiisi wa Dawat-e-Islami ‘Allāmah Maulānā Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi دامت برکاتہم العالیہ yabuulirirra ku musomo oguyitibwa ‘*Jawānī kī ‘Ibādat kay Fazāil*’, i.e. *Obulungi bw’okusinza mu buvubuka* mu lulimi olu Urdu mu Ijtimā’ ya buli wiiki eyagazisa eSunnah ku Lw’okuna, 18th Rabī’-ul-Awwal 1412 AH, 26th September 1991, mu Madanī Markaz eyasookera ddala eya Dawat-e-Islami – ‘Jāmi’ Masjid Gulzār-e-Ḥabīb’ (esangubwa mu Gulistān-e-Okārvī Bāb-ul-Madīnah, Karachi). N’obuyambi bw’okubuulirira okwo kweekumu, akatabo, wamu n’okwongerezako n’encuusacuusa, kakunganyizibwa aba **Majlis Al-Madīna-tul-‘Ilmiyyah** mu lu Urdu ate nekavvuunulwa aba **Majlis-e-Tarājim** (ekitongole ekivvuunula) mu lulimi Oluganda. Bw’osangamu ensobi yonna mukuvvunula oba mu nsengeka, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n’ekigendererwa ekyokufuna empeera. [Ṣawāb].

Majlis-e-Tarājim (Dawat-e-Islami)

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran,
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

UAN: ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 7213

Email: ✉ translation@dawateislami.net

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Enzivunnula mu Luganda eya 'Jawānī Kaysay Guzārayn?'

Bino birekiddwa mu lulimi Olungereza



ALL RIGHTS RESERVED

Copyright © 2018 Maktaba-tul-Madinah

No part of this publication may be reproduced, or transmitted, in any form or by any means, electronic, mechanical, photocopying, recording or otherwise, without the prior written permission of Maktaba-tul-Madinah.

1st Publication: Rabi'-us-Saani, 1439 AH – (Jan, 2018)

Publisher: Maktaba-tul-Madinah

Quantity: -

SPONSORSHIP

Feel free to contact us if you wish to sponsor the printing of a religious book or booklet for the Isal-e-Sawab of your deceased family members.

Maktaba-tul-Madinah

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah Mahallah Saudagran,
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

✉ **Email:** maktabaglobal@dawateislami.net – maktaba@dawateislami.net

☎ **Phone:** +92-21-34921389-93 – 34126999

🌐 **Web:** www.dawateislami.net

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

Du'a Y'okusoma Ekitabo

Soma Du'a eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye, إِنَّ هَذَا اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ:

اللَّهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَأَنْشُرْ
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ

Okuvvunula

Yā Allah عَزَّوَجَلَّ! Tuggulirewo omulyango g'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma!

(Al-Mustatraf, vol. 1, pp. 40)

N.B: Saalira Nabi ﷺ nga tonnasoma Du'a eyo, n'era nga ojimalirizza.

Table of Contents

Du'a Y'okusoma Ekitabo iii

OBUVUBUKA BWAFFE TUBUMALE TUTYA? 1

Obulungi bwa Şalât-'Alan-Nabi ﷺ	1
Okunoonya kw'obuvubuka	2
Waayo ekimuli mu kuwaanyisa eriggwa	4
Wagira okukowoola eri obulongoofu	5
Ganyulwa mu biseera	6
Amakulu g'obuvubuka.....	7
Obulungi bwa Quran n'omuvubuka	8
Okusiinza mu buvubuka kireeta emirembe mu bukadde	9
Madrasa-tul-Madīnah ey'abakulu	9
Madrasa-tul-Madīnah ey'abawala	10
Owa wansi yafulwa owa waggulu kulw'embeera ya Madanī ...	11
Obuvubuka bwo butwaale ng'ekyomugaso enyo	12
Obuvubuka buggulize	13
Ebigambo bya Sayyidunā Amīr Mu'āwiyah ng'ava mu bulamu buno	14
Obwetowaze bw'abalongoofu kubuulirira gyetuli.....	14
Obuvubuka ne mu bukadde.....	15
Kola nnyo mu buvubuka, ganyulwa mu bukadde.....	16

Empeera y'omuvubuka omulongoofu mu bukadde	17
Omusajja omwagalwa wa Allah.....	18
Balungi okusinga bamalayika.....	18
Abavubuka ba Ummaḥ ne Dawat-e-Islami.....	20
Ekyama ky'obulamu obusingayo obulungi.....	21
Empeera yaba Şiddiqīn nsaanvu.....	22
Abaddu abatuufu aba Allah.....	22
Omuvuka eyegendereza.....	23
Obuvubuka kyengera kiva wa Katonda.....	24
Obusukkulumu bw'omusinzi omuto (omuvubuka).....	26
Obulungi bw'obukadde.....	27
Empeera ewebwa eri omuvubuka omulongoofu.....	30
Omuvubuka eyali alina ekyamagero	32
Omuvubuka omulongoofu era atya Katonda	34
Abesiimye wansi w'ekisiikirize kya 'Arsh.....	36
Okubuuliriro kwa Imām Ghazālī	37
Obulungi bw'okwenenya mu buvubuka.....	38
Omuddu omwagalwa wa Allah.....	38
Kola Istighfār mu buvubuka.....	39
Ekirowoozo kya sitaani n'eddagala lyakyo	39
Okubuulirira eri omuvubuka	41
Emikisa gy'okulaba Madanī Mużākaraḥ ku Madani Channel	42
Okuyingira n'okufulumu amaka: Ebimulu bya Madanī 12.....	45

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ وَالصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ عَلَى سَيِّدِ الْمُرْسَلِينَ
أَمَّا بَعْدُ فَأَعُوذُ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ

OBUVUBUKA BWAFFE TUBUMALE TUTYA?

Newankubadde nga Shaytan ekuteeka okuwulira obugayaavu, soma ekitabo kino okuva ku ntaandikwa okutuusa ku nkomerero ng'omegga obukoddiyo bwa Shaytan. Toja kukoma ku kufuna bugagga bwa mpeera wabula oja kumanya omugaso gw'ebikolwa eby'okusiinza ebikolebwa mu buvubuka.

Obulungi bwa Şalât-'Alan-Nabî ﷺ

Omukisa eri ebitonde byonna, Omulagirirzi eri ekkubo ery'obulokozi صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, 'Abange mwe abantu! Tewali kubuusabuusa, oyo anaafuna obulokozi amangu ennyo ku lunaku lw'ekomero okuva ku ntiisa zalwo n'okubalibwa aja kubeera oyo mu mmwe eyasiinga okunsaalira Şalât mu bungi ku nsi.' (*Jam'-ul-Jawāmi', vol. 9, pp. 129, Ḥadīṣ 27686*)

Ḥashr kī tīragī siyāhī mayn

Nūr ḥay, sham'-e-pur-ziyā ḥay Durūd

Āḥōriyo mat Durūd ko Kāfi

Rāḥ-e-Jannat kā raḥnumā ḥay Durūd

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Okuvvunnula: Ṣalāt-‘Alan-Nabī kitangaala mu kizikiza ky’Olunaku lw’okuzuukira. Owange Kāfi! Tova nga ku kusoma Ṣalāt-‘Alan-Nabī. Mazima ndagirirzi eri ekkubo erigenda mu Jannah.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Okunoonya kw’obuvubuka

Kigambibwa nti omukadde omu yali ayita mu kifo ekimu. Mu bukadde bwe obungi ennyo, yali awese omugoongo gwe nga alabika nga eyali anoonya ekintu wansi ku ttaka. Mu ku mulaba, omuvubuka omujerezi yagamba mu kukwenyakwenya, ‘Owange mukadde! Kiki kyonoonya?’ Newankubadde kyeyali ayogedde kyaali kinyiiza, omusajja omukadde yamuddamu nga alaga obwetoowaze obungi ennyo n’okutya Katonda era nayogera ebigambo eby’okubuulirira eby’amagezi aga waggulu mu kwanukula okusomoozebwa okwo, ‘Mutabani! Ndi mu ku noonya buvubuka bwange.’ Nga yewuunyizza nnyo okuwulira ennyanukula eno eyali tesuubirwa eri ekigambo kye ekyaali kisomooza, omuvubuka yabuuza, ‘Owange kojja omwagalwa! Si sobola kutegeera kiki kyogamba. Obubuka kintu buntu ekisobola okunoonyezebwa? Waali wabaddewo omuntu yenna eyali abubuzizza omulundi ogwasooka naddamu nabufuna?’ Omusajja omukadde yaddamu, ‘Kino kyenejjusa kati. Bwennali nga ndi muto, nali sibukozesa. Leero, ndabye omugaso gwaabwo naye sikyabulina. Singa nali mbufunye nensobola okuwanyisa ebibi byange n’ebisobyu era nandisiinzizza Allah عَزَّوَجَلَّ n’omutima gwonna!’

أَلَا لَيْتَ الشَّبَابَ يَعُودُ يَوْمًا فَأَخْبِرُهُ بِمَا فَعَلَ الْمَشِيبُ

Singa obuvubuka bwange bukomawo gyendi nandibubuulidde engeri obukadde gyebumpisizzaamu.

Oluvannyumma, nga asa ekikka eky'okwejjusa n'ennaku, yayongera nagamba: Mu kwejjusa okungi ennyo! Mbuzizza obugagga bwange obw'obuvubuka. Kati tewali mugaso mu kukaabira mata gayiise. Nali sisobola kugasibwa mu buvubuka bwange. Nali sisobola kukola mirimu mirungi yadde okwetegekera Akhirah yange wabula namala obuvubuka bwange nga neebase otulo otungi ennyo mu buliri bw'obubuyabuya.

Kati ndi mu bunafu bwange n'obulamu obukeendedde n'omubiri ogunafuwa. Nina obwagazi okusiinza naye mbuliddwa amaanyi kulw'obukadde. Oluvannyuma, nga akola kawefube wa ssekin noomu, omusajja omukadde yagamba, 'Mutabani! Ku lw'oku saasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ! Kati oli muto. Kozesa akakisa k'obu vubukaabwo. Wemalire mu kusiinza. Vunnama mu maaso ga Allah عَزَّوَجَلَّ ng'omugoongo gwo tegunnaba kuwetamu. Bwekitaba ekyo, nga nze, naawe ojakubeera nga onoonya obuvubuka bwo nga omaze okubeera omukadde n'omugoongo nga gwewe seemu. Naye, mu kiseera ekyo, tojja kubeera nakintu kyonna okujjako okwejjusa n'obuswaavu. Ojja kubeera ngalo nsa ng'omaze obuto bwo mu kuzannya ate obuvubuka mu kwee baka, ate ng'okaabira mu bukadde.' Okubuulirira kw'omusajja omukadde mu ngeri y'ekimpowaaze n'okusaasira wamu n'ebimuli

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

bya Madanī ebya kaweeufube wa ssekinnoomu byakwaata omutima gw’omuvubuka, nebimukyuusa nnyo. Omuvubuka oyo y’omu eyali akasuse akasaale k’okujerega eri omusajja omukadde akaseera katonno emabega yasuubiza omukadde oyo nti aja kukozeza obuvubuka bwe mu ngeri esingayo obulungi nga abumala mu kutya Katonda .

Okulaga omugaso gw’obuvubuka, mutabani omwagalwa owa A’lā Ḥaḍrat, Muftī-e-A’zam Hind Maulānā Mustafā Razā Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمٰن yawandiika ekitoontome mu bitoontome bye ebiyitibwa ‘Sāmān-e-Bakhshish’:

Riyāzat kay yehī din ḥayn, buḥāpay mayn kahān ḥimmat

Jo kuch kernā ḥo ab ker lo, abḥī Nūrī jawān tum ḥo

Okuvvunnula: Kano ke kaseera mwetulina okufuuka abatya Katonda ennyo. Owange Nūrī! Kola kyonna kati ky’olina okukola kubanga oli muto. Tojja kubeera na maanyi gamala mu myaaka gy’obukadde.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Waayo ekimuli mu kuwaanyisa eriggwa

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Ekyafaayo ekyo waggulu kirimu ebimuli bya Madanī eby’okuwabula, okubuulirira n’amagezi. Ekimu ku bimuli bya Madanī kiri nti okubeera omugumiikiriza ekifo ky’okuwakana n’okuvuma omuntu aba

akujereze. Okulunḡanya omuntu awakana n’obwetoowaze wamu n’okumuwa ekimuli kya Madanī mu kusasula eriggwa lye ery’obutwa, okusinziira ku mbeera, kijja kuleeta embeera enungi, **إِنَّ شَاءَ اللَّهِ عَزَّوَجَلَّ**. Kino kijja kuleetawo enkyukakyuka ya Madanī mu bulamu bwe, kireetewo ekkubo ely’oku tuukiriza ekigendererwa kya Madanī **‘Nnina okulafuubana okwelongoosa nze ssekinnoomu n’abantu b’ensi yonna, إِنَّ شَاءَ اللَّهِ عَزَّوَجَلَّ**’.

*Tū pīchāy na ḡainā kabḡī ay piyāray Muballigh
Shayḡān kay ḡer wār ko nākām banā day*

Okuvvunnula: Owange Omubuulirizi! Tova nga ku kubuulirira, sigala ng’atokosebwa buli kakoddiyo ka Sitaani.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Wagira okukowoola eri obulongoofu

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Ekyafaayo ekyo waggulu kiwa obubaka nti tulina okusigala nga tubuulirira abasiraamu ate n’okubayita eri obulongoofu ku lw’okulongoosa obulamu bwaffe kuno ku nsi ne Akhirah n’obulamu bwa ab’oluganda baffe abasiraamu. Allah **عَزَّوَجَلَّ** yagamba mu Ayaah eya 55 mu Sūrah Az-Zāriyāt Ejjuzu 27:

وَذَكِّرْ فَإِنَّ الذِّكْرَى تَنْفَعُ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٥٥﴾

Era buulirira, kubanga okubuulirira kugasa abakkiriza

[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)]

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Mujhāy tum aysī do hīmmat Āqā

Dūn sab ko naykī kī da'wat Āqā

Banā do mujh ko bhī nayk khaṣlat

Nabī-e-Raḥmat, Shaftī'-e-Ummat

Okuvvunnula: Owange Nabbi wa Raḥmaḥ era Omuwolereza wa Ummaḥ **صَلَّى اللّٰهُ تَعَالَى عَلَيهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّمَ**! Mpa amaanyi okuyita buli omu eri obulongoofu ate nange nfuula omulongoofu.

صَلُّوْا عَلَيَّ الْحَبِيْبِ صَلَّى اللّٰهُ تَعَالَى عَلَيَّ مُحَمَّد

Ganyulwa mu biseera

Ekyafaayo ekyo waggulu kiraga nti era okwonoona ebiseera kireeta okwejjusa. Abo abamala obuvubuka bwabwe mu bugayaavu, obutakola n'obubuyabuya bejjusa mu bukadde. Abo abamala obuvubuka bwabwe mu mpuku ey'ekizikiza ky'ebibi bakisanga nti kizibu okugifuluma mu misana egiyakaayakana egy'emirimu emirungi kubanga kubeera kukeerewa nnyo okukikola mu myaaka egy'obukadde. Omuntu newankubadde ayagala okukola ekintu kyonna mu kiseera ekyo, obunafu bw'omubiri n'obulamu bimumalamu amaanyi. N'olw'ekyo, oyo akyaali omuto ng'ali mulamu bulungi, alina okulafuubana ennyo okukola emirimu emirala emirungi n'okusiinza, ng'abyekwaatako.

Leero, omuntu yenna bwaava mu kukola emirimu emirungi neyeetaba mu kukola ebibi, nga afiirwa amaanyi, obusobozi n'ekyobugagga ky'ebiseera, alina okwejjusa enkya naye kikafuuwe era talina kyajja kufunamu. Embazi ey'obwoogi ennyo ey'ebiseera eri mu kutema omuti ogw'obulamubeerera. Ani ayiinza okulemesa ebiseera bibuuka? Ani ayiinza okukendeeza obuddusi bw'ekyombo ky'ebiseera? N'olw'ekyo, ebiseera byo bitwaale nga eby'omuwendo leero ng'obikozesa bulungi nnyo. Bwekitaba ekyo, bwobibuza lumu, ojja kwejjusa naye nga tebigya yinza kukomawo (ebiseera).

Sadā 'aysh daurān dikhātā nahīn

Gayā waqt phir hāth ātā nahīn

Okuvvunnula: Mu kweejalabya, ekimu tekisigalawo. Ebiseera ebigeenze tebiyinza kudda.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Amakulu g'obuvubuka

Kiwandiikiddwa ku lupapula 455 olw'omuvuumbo ogusooka egw'ekitabo ky'empapula 1022 'Faizān-e-Sunnat' ekyafu lumizibwa Maktaba-tul-Madīnah: Mu nkuluze (dictionaries), omuntu asigala muto okuva ku myaaka gy'obuvubuka okutuusa ku myaaka 30 oba 40. Okuva ku myaaka 30 okutuusa 50 ky'ekiseera ky'emyaaka egya wakati ate emyaaka gy'obukadde gitandika oluvannyuma lw'emyaaka 50.

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Obulungi bwa Quran n'omuvubuka

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Obuvubuka ky'ekiseera ky'obulamu obusobozi bw'amaanyi n'amagezi mwebusobola okugasibwa ennyo. Ky'ekiseera ekisinga obulungi okufuniramu okumanya kw'eddiini n'okusoma ebiwandiiko by'obusiraamu [i.e. ebitabo ebitukuvu eby'obusiraamu]. Mu myaaka gy'obu kadde, omuntu afuuka mulalu nga abuza amagezi ge n'obusobozi okutebeenkera ku kintu ekimu. Eky'obugagga ky'obujjukizi kiziikibwa. Nga obwongo bunafuye, abakadde oluusi beeyisa nga abaana abato, nga abakola ebintu ebiswaaza oba ebyewunyisa. Naye amawulire amalungi eri oyo omusajja omuto addinḡana okusoma Quran Entukuvu kubanga ajja kusigala nga akuumibwa okuva ku bizibu n'emitawaana bwatuuka mu myaaka gy'obukadde.

Omunnyonnyozi amanyiddwa ennyo, Ḥakīm-ul-Ummat Muftī Aḡmad Yār Khān Na'imī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْعَمِي yagamba nti Sayyidunā 'Ikrimah رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba: Oyo omuvubuka addinḡana okusoma Quran Entukuvu tajja kukosebwa mbeera eno (i.e. tajja kweelabira kumanya mu bukaddebwe kweyali afunye nga akyaali muto.) *إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ*.

(Nūr-ul-'Irfān, part 17, Surah Al-Ḥajj, Taḡt-al-Āyah 5)

Filmaun say dirāmaun say day nafrat Tū Ilāhī!

Bas shauq mujḡhay Na'at-o-Tilāwat kā Khudā day

Amakulu: Owange Ow'ekitiibwa! Ntamyia okulaba filimu ne dulama. Nfuula omwagazi w'okusoma Quran ne Na'at.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Okusiinza mu buvubuka kireeta emirembe mu bukadde

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Ekyafaayo ekyo waggulu kiraga nti oyo asoma Quran mu buvubukabwe ajja kusigala nga akuumiddwa okuva ku kwelabira mu bukaddebwe ku lw'emikisa gyayo. Kirabwa nnyo nti abakadde abasinga bakoze ebisigambo eby'obuwemu ate beerabira ebintu bingi naye waliwo abamu abantu abakadde ab'omukisa ennyo nga bamanyi nnyo era nga balina amagezi mangi nnyo era abantu abalala babatiira ddala. Emu ku nsonga y'ekitiibwa kyabwe kwe kusoma Quran n'okukola ebikolwa ebirala eby'okusiinza mu buvubuka bwaabwe.

Madrasa-tul-Madīnaḥ ey'abakulu

Ku lw'okusaasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ! Ekibiina ky'ensi yonna ekitali kya byabufuzi wabula ekisomesa Quran ne Sunnaḥ, Dawat-e-Islami kikoze kaweeefube mungi nnyo, okusasaanya enjigiriza ya Quran n'okuzuukiza okwagala kw'okusiinza mu buvubuka. Ebimu ku kulafuubana kuno mwemuli okutaan dikawo enkumi n'enkumi za 'Madrasa-tul-Madīnaḥ ez'abakulu ezibeerawo oluvannyuma lwa Ṣalāt-ul-'Ishā mu nsi yonna mu bifo bingi nnyo ne Masājid. Mu Madāris zino, basseruganda

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

abasiraamu bayiga okusoma Quran Entukuvu n'enjatula entuufu, engeri y'okusaala Şalāh mu butuufu, Sunan ne Du'a awatali kusasula kwonna.

*Yehi hay arzu ta'lim-e-Quran am ho jaye
Har aik parcham say auncha parcham-e-Islam ho jaye*

*Enjigiriza ya Quran ebune wonna
Bbeendera y'obusiraamu ewujje waggulu wa bbeendera zonna*

Madrasa-tul-Madīnah ey'abawala

Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷻ! Ng'ovudde ku kutaand ikawo Madrasa-tul-Madīnah ez'abakulu abasajja, Madāris-ul-Madīnah ez'abannyina abasiraamu nazo ziyimirizibwawo wansi w'obulabirirzi bwa Dawat-e-Islami, okusasaanya enjigiriza za Quran Entukuvu (Ḥifẓ ne Nāẓirah). Nkumi n'ankumi ez'aban nyina abasiraamu ziyiga Quran awatali kusasula kwonna mu Madāris zino abasomesa abakyaala mwebasomeseza abakyaala.

Okugattako, Madāris nyingi nnyo endala eziyitibwa 'Madrasa-tul-Madīnah' nazo zitandikiddwa munda n'ewab weeru wa Pakistan. Mu kubala okwafuluma mu Rajab-ul-Murajjab 1435 AH, Madāris kumpi 2064 zitandikiddwa mu Pakistan mwokka omuli kumpi abaleenzi n'abawala 101410 abafuna okumanya kwa Ḥifẓ ne Nāẓirah awatali kusasula kwonna.

*'Aṭā ḥo shauq Maulā Madrasay mayn ānay jānay kā
Khudāyā zauq day Quran paṛḥnay kā, paṛḥānay kā*

Amakulu: Owange Ow'ekitiibwa! Nsobozesa nsome mu Madrasah, njige Quran Entukuvu era ngisomese abalala n'obwagazi bungi.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Owa wansi yafulwa owa waggulu kulw'embeera ya Madani

Ekimu ku bitoongole bya Dawat-e-Islami – Madrasa-tul-Madīnah ey'abakulu – ekifudde kyangu nnyo eri omuvubuka omuto okuyiga Quran n'empisa enungi, okufuna obwagazi eri okusiinza n'okufuula obulamubwe obw'oluvannyuma okubeera obulungi ennyo. Wano waliwo mu buumpimpi ebimu ku byagambibwa sseruganda omusiraamu: Nali nkoze ebibi bingi nnyo ng'okutuusa VCR-cable, okubeera n'abayaaye ekiro, okulaba firimu bbiri oba ssatu buli lunaku n'okwetaba mu bivvulu ekiro kiramba.

Eky'omukisa, emunyeenye y'okwesiima kwange yayaka, اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ
عَزَّوَجَلَّ! Ku lw'emikisa gya kaweeefube eyali yeddinḡana eyali akolebwa sseruganda omusiraamu okuva mu kitundu kya Nayabad mu Bāb-ul-Madīnah Karachi, neetaba mu Madrasa-tul-Madīnah ey'abakulu mwennafunira omukisa gw'okubeera

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

kumpi n’abaagazi ba Rasūl era nafuna ekirowoozo ky’okwegatta ku mbeera ya Madanī ey’ekibiina eky’ensi yonna ekitali kya byabufuzi ekisomesa Quran ne Sunnah – Dawat-e-Islami. Kati ndi bbize mu kwetaba mu mirimu gya Madanī.

Ĥayn Islāmī bhāī sabhī bhāī bhāī
Ĥay bayhad maḥabbat bhārā Madanī Māḥaul

Amakulu: Ab’oluganda abasiraamu bonna beyisa ng’abuloganda. Mazima embeera ya Madanī ejjude okwaagala n’omukwaano.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Obuvubuka bwo butwaale ng’ekyomugaso enyo

Omulongoofu omunene ennyo omu ku ba Tābi’i, Sayyidunā ‘Amr Bin Maymūn Awdī رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba nti Nabbi Omwagalwa era Ow’emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba ng’abuulirira omuntu: Kozesa ebintu bitaano nga ebitaano ebirala tebinnaba (kujja): Obuvubuka bwo ng’obukadde tebunnaja, obulamu ngatonnalwaala, obugagga ng’obwaavu tebunnaja, ebiseera by’eddeemba nga tonnaba kufuuka bbize ate n’obulamu ngatonnaba kufa. (*Mishkāt-ul-Maṣābīḥ, Kitāb-ur-Raqāq, chapter 2, vol. 2, pp. 245, Ḥadīṣ 5174*)

Omutoontomi omu amanyiddwa ennyo omu Sufi, Sayyidunā Shaykh Muṣliḥuddīn Sa’dī Shīrāzī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْبَارِدِي yagamba:

كُنُوتَ كِه دَسْتَسْت خَارِي بُكُنْ دِگَر كِي بَرَّارِي تُو دَسْتْ اَزْ كَفَن

Amakulu: Owange gwe omuntu omubuyabuya! Leero, engaloozo ez'obulamu n'obuvumu zirina amaanyi era zaddeembe. Gikozese okukola ekintu. Enkya, gigyga kuziingibwa mu ssaanda. Olwo nno gina kozesebwa gitya? (*Būstān-e-Sa'dī, Bāb 1, pp. 48*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Obuvubuka buggulize

Wano waliwo mubufuunze ekitundu ky'ekiwandiiko kwa Ḥakīm-ul-Ummat Muftī Aḥmad Yār Khān Na'īmī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْعَلِيِّ, ekiraga obukulu bw'obuvubuka. Okusuubira okusiinza ennyo mu myaaka gy'obukadde n'enyingo ennafu ng'omaze okwonoona obuvubuka bwo mu masanyu n'okujagana tekirina kyekiri okujjako obusiru. Kola mu buvubuka bwo kyonna ky'oyagala okukola. Waliwo eddaala ddene nnyo eri omuvubuka omulongoofu. Toyonoona bulamu bwo, (naddala) ekiseera ky'obulamu obulungi, obugagga n'obuvubuka. Kola emirimu emirungi mu kiseera ekyo kubanga toyinza kufuna byengera era n'era. Miyān Muhammad Bakhsh عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba:

Sadā na ḥusn jawānī rahandī, sadā na suḥbat-e-yārān

Sadā na bulbul bāghān bolay, sadā na bāgh bahārān

Amakulu: Obuvubuka buno obulungi si bwalubeerera, era ekinywi ky'emikwaano n'abenganda si kyakunyumirwa lubeerera.

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Okuyimba kw'akanyonyi n'obulungi bw'ennimiro nabyo si byalubeerera. (*Mirāt-ul-Manājīh, vol. 7, pp. 16*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Ebigambo bya Sayyidunā Amīr Mu'āwiyah ng'ava mu bulamu buno

Sayyidunā Amīr Mu'āwiyah رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ bweyali nga ali kumpi n'okufa kwe, ye رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba, 'Muntuuze.' Oluvannyuma ye رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yatuuzibwa, era natandika okukola Žikr ya Allah عَزَّوَجَلَّ nga kwasoma Tasbīh. Ye رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yamala neyegamba n'amaziga (okulaga obwetowaze), 'Owange Mu'āwiyah (رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ)! Olowoozessa okukola Žikr ya Allah عَزَّوَجَلَّ mu myaaka gy'obukadde ng'omaze okunafuwa. Kiki kyewakola ng'ensiko y'obuvubuka ekyaali ya kiggya?' (*Lubāb-ul-Ihyā, pp. 352*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Obwetowaze bw'abalongoofu kubuulirira gyetuli

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Newankubadde baali baagala okukola emirimu emirungi, abaatusooka abalongoofu رَحِمَهُمُ اللهُ تَعَالَى baali betoowaze nnyo. Sayyiduna Amīr Mu'āwiyah رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yali Sahabi munene nyo era yali amaze obulamu bwe nga akola emirimu emirungi, naye era, ye رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yali ayagala abeere nti yali akoze emirimu egy'okusiinza emirala

mingi okusingawo. Kino ekikolwa ky'obwetowaze ku ludda lwe kubuulirira kulungi nnyo gyetuli. Tuyinza okuyiga mu nti: Abange mmwe abato! Obuvubuka kyengera kinene nnyo. Mu kikoze bulungi. Temubumala mu kulera engalo. Bwekitaba ekyo, bwemutuuka mu bukadde bwammwe nga mugezaako okukola ekintu ekinene, kijja kubeera ng'okuziimba embiri mu mpewo, ekitasobokera ddala.

غَافِلٌ مَنَشِينِ نَهْ وَقْتُ بَازِي سْتِ وَقْتُ هُنْرَا سْتِ وَ كَارَسَايِ سْتِ

Amakulu: Owange muvubuka! Toyonoona buvubuka bwo mu kulera engalo. Kano si kaseera ka kugayaala oba kwesanyusa wabula ky'ekiseera ky'okuziimba ku bukugu n'obumanyirizu n'okulafuubana ennyo.

صَلُّوْا عَلَيَّ الْحَبِيْبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيَّ مُحَمَّدٍ

Obuvubuka ne mu bukadde

Ng'alaga obukulu bw'okusiinziza mu buvubuka, Sayyidunā 'Allāmah Ibn Rajab Ḥanbalī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْقَوِيْ yagamba: Oyo ajjukira Allah عَزَّوَجَلَّ mu buvubuka bwe ajja kuyambibwa Allah عَزَّوَجَلَّ mu bukadde bwe n'obunafu bwe wamu n'okuweebwa okuwulira okulungi, okulaba, amaanyi n'amagezi. Newanku badde yatuuka mu myaaka kikumi, Sayyidunā Abū Ṭayyib Ṭabarī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ الْقَوِيْ yali mugezi nnyo, era ng'alina amaanyi ate ng'obulamu bwe bulungi. Omuntu lumu yamubuuza ekyama ky'obulamu bwe, olwo nno ye عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى yaddamu,

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

‘Nakuuma obuzobozi bw’amaanyi gange okuva ku bibi mu buvubuka bwange, n’olwekyo Allah ﷺ abinsigalizza mu bukadde bwange.’ Ekyenyumye kyekyo, Sayyidunā Junayd رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yalaba omusajja omukadde asabiriza. Ye رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba, ‘Omuntu ono yayonoona ebyengera bya Allah ﷺ mu buvubuka bwe, n’olw’ekyo Allah ﷺ ayonoonye amaanyi ge mu bukadde. (Majmū’ah Rasāil Ibn Rajab, vol. 3, pp. 100)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Kola nnyo mu buvubuka, ganyulwa mu bukadde

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Yesiimye oyo omuvubuka omulongoofu eyamala obuvubuka bwe mu kusiinza Allah ﷺ okutuusa bweyatuuka mu bukadde. Omukadde bwaati singa ayagala okusiinza naye nga tasobola kulw’obunafu n’obulamu obubi, ajja kusigala nga afuna empeera y’emirimu emirungi gyeyali akola ng’akyaali mulamu bulungi era nga muto. Sayyidunā Anas Bin Mālik رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba: Omuddu bwatuuka mu nkomerero y’emyaaka gye (ng’akoze emirimu emirungi mu mbeera y’okubeera omusiraamu), Allah ﷺ asigala awandiika emirimu emirungi mu kitabo kye eky’emirimu gyeyali akola nga akyaalina obulamu obulungi.

(Musnad Abī Ya’lā, vol. 3, pp. 293, Ḥadīṣ 3666)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Empeera y'omuvubuka omulongoofu mu bukadde

Hakīm-ul-Ummat Muftī Aḥmad Yār Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْكَثَّانِ yagamba: Omusajja omukadde eyali asiinza Katonda mu buvubukabwe bwatuuka mu mbeera nga takyaasobola kusiinza olw'obukadde, Allah عَزَّوَجَلَّ amulaangirira nti asonyiyibwa ate awandiika mu kitabo kye eky'emirimu, emirimu egyo gyennyini egy'okusiinza gyeyali akola mu buvubukabwe. ('Ārif-Billaḥ Shaykh Sa'dī Shīrāzī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِيّ yagamba:)

رَسَمَ اسْتَكِه مَالِكَانَ تَحْرِيرِ آزَادَ كُنْنَدَ بَنَدَهُ پِيرِ
آءَ بَارِ خُدَا، آءَ عَالَمِ آرَا بَرَّ سَعْدِي پِيرِ خُودَ بَهَ بَحْشَا

Okuvvunnula: (Kitendo ky'abakozesi okutaa abaddu abakaddiye. Owange Ggwe Mutonzi wange عَزَّوَجَلَّ! Owange Ggwe eyawuunda ensi eno! Sa'dī omukadde naye musonyiwe.)

(Mirāt-ul-Manājīh, vol. 7, pp. 89)

N'olw'ekyo, obuvubuka bwo butwaale eng'ekyamakulu, ng'okola emirimu emingi egy'okusiinza osobole okusigala ng'okungula empeera z'agyo ne mu bukadde okuva mu maaso ga Allah عَزَّوَجَلَّ newankubadde nga tosobola ku gikola.

صَلُّوْا عَلَي الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَي مُحَمَّدٍ

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Omusajja omwagalwa wa Allah

Kigambibwa mu Ḥadiṣ Qudsī emu nti Sayyidunā ‘Abdullāh Bin ‘Umar رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُمَا yagamba nti Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: Allah عَزَّوَجَلَّ yagamba, ‘Omusajja omuto akkiririza mu kugera Kwange, asigala mumativu n’ekyo ky’emu wandikidde, yematiza obugabi bwemmuwadde, ate alwaanyisa obwagazi Nafs ye okufuna okwagala Kwange, alinga abamu ku bamalayika Bange mu maaso gange.’

(Jam’-ul-Jawāmi’, vol. 9, pp. 276, Ḥadiṣ 28714)

Mazima, omuntu bwafuuka omuddu agondera Allah ate nga mwagazi omutuufu owa Mustafa Omwagala, afuuka nga bamalayika oba afuuka munene okubasinga (mu madaala).

Balungi okusinga bamalayika

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Mujjukire! Ba Rasūl baffe banene (mu madaala) okusiinga ba Rasūl ba bamalayika, ate ba Rasūl ba bamalayika banene okusiinga ba Awliyā baffe, ate ba Awliyā baffe banene okusiinga bamalayika abo abatali ba Rasūl. Ba Fussāq ne ba Fujjār [i.e. abakozi b’ebibi n’ebyam byoono] tebayinza kubeera banene kusinga bamalayika.

(Fatāwā Razawiyyah, vol. 29, pp. 391; An-Nibrās, pp. 595)

Sayyidunā ‘Abdullāh Bin ‘Umar رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُمَا yagamba nti Nabbi Amanyiddwa ennyo era Ow’ekitiibwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: Allah عَزَّوَجَلَّ ayagala (nnyo) omuntu oyo awaayo

obuvubukabwe mu kugondera Ow'amaanyi era Ow'obuyinza (Allah). (*Hilya-tul-Awliyā, vol. 5, pp. 394, Ḥadīṣ 7496*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Ezo Hadithi waggulu zirimu emikisa mingi nnyo eri abo abantu abato abalongoofu ate abesiimye abamala obuvubuka bwabwe mu kusinza n'okutendereza Allah ﷺ, nga bakola emirimu emirala emirungi era nga balwanyisa obwagazi bwaabwe obubi. Eri bbo g'emawulire amalungi ag'okufuuka abaddu abaagalwa aba Allah n'okufuna ekitiibwa ekinene mu maaso Ge. Nga bwekitali kyangu kusobola mbalaasi eyo eboggola eya Nafs mu buvubuka, emirimu gy'okusinza mu buvubuka nogyo giweesa omusinzi empeera nyingi (nnyo).

Ḥakīm-ul-Ummat Muftī Aḥmad Yār Khān Na'imī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِيّ yagamba: Omuntu alina okwewala ebibi mu buvubuka bwe, ajjukire Allah ﷺ kubanga ebitundu by'omubiri birina amaanyi ate Nafs eyagala nnyo okukola ebibi mu buvubuka. Eno y'ensonga lwaaki emirimu gy'okusinza egikolebwa mu kiseera kino minene (mu madaala) okusiinga egyo egikolebwa mu bukadde. (*Mirāt-ul-Manājīh, vol. 1, pp. 435*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Mu mirembe gino egy'ebibi ebingi ennyo, kyamukisa mubi nti abavubuka abasinga bagenze wala nnyo okuva ku Quran ne Sunnah. Nga batamidde n'amasanyu g'obuvubuka, nga basamaaziddwa amasanyu g'oku nsi era nga bamegeddwa Nafs ne sitaani, babbiinkide mu ssemayanja w'ebibi n'ebikolwa eby'obuswaavu. Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷺ, ekibiina eky'ensi yonna ekisomesa Quran ne Sunnah – Dawat-e-Islami kikoze kaweeefube mungi nnyo n'obuvumu n'obumalirivu mu kulongoosa kwa Ummah, era kiwangudde nnyo mu kutaasa abantu bangi abaali bafiira mu nyanja z'ebibi. Obuwanguzi bwa kaweeefube wa Dawat-e-Islami bulabibwa buli omu. Abavubuka abaali abaddu ba Nafs ne sitaani bafuna omukisa nebeegatta ku mbeera ya Madani eya Dawat-e-Islami, nekireetawo enkyukakyuka ya Madani ennene era esanyusa mu bulamu bwaabwe obwaali obw'okuwubaala. Nga bawaayo ennaku zaabwe enungi mu kunoonya okusimibwa kwa Allah ﷺ ne Nabbi We صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ, bekwaata ku kiruubirirwa kya Madani: *'Nnina okulafuubana okwelongoosa nze n'abantu ab'ensi yonna.'*

Abavubuka ba Ummah ne Dawat-e-Islami

Ku lw'okusaasira kwa Allah ﷺ! Egimu ku mitendera gy'enkyukakyuka eya ssinziggu eya Dawat-e-Islami mwemuli okuteekateeka abavubuka – abaali basikatidde mu ttosi lye'ebibi era nga bawugadde olwa pulaani z'ebiseera ebigya eby'obu lamu obw'ensi – badde ku kkubo ely'obulongoofu, era

n’okubakyusa nebafuuka abasiraamu ab’ebikolwa ku lw’obulugi bw’obulamu bwabwe obw’oluvannyuma (Akhirah). Ku lw’emikisa gy’embeera ya Madanī, omuwendo munene ogw’aboluganda abasiraamu abewaddeyo mu kkubo Ettukuvu, nga beewala ebisikiriza eby’okunsi n’amasanyu. Mu njogera ya Dawat-e-Islami, kuno okwewaayo kuyitibwa ‘Waqf-e-Madīnah’.

*Maqbūl jahān bhār mayn hō Dawat-e-Islami
Ṣadaqaḥ tujhay ay Rab-e-Ghaffār! Madīnay kā*

Okuvvunnula: Owange Omusonyiyi Allah ﷺ! Nsaba Dawat-e-Islami ebeere mmanyifu nnyo mu nsi yonna ku lwa Madīnah!

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Ekyama ky’obulamu obusiingayo obulungi

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Kuno kusaba kwa Madanī eri ggwe weggate ku mbeera ya Madanī eya Dawat-e-Islami era weteeketeke okusiinza Allah ﷺ ku lw’obulungi bw’obulamu bwo obw’okunsi n’oluvannyuma. Ekyama eky’obulamu obusinagayo obulungi kwe kusiinza n’okugondera Allah ﷺ.

Hakīm-ul-Ummat Muftī Aḥmad Yār Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ الْمَلَأَن yagamba: Buli muntu amala obulamubwe. Obulamu obusingayo obulungi bw’ebwo obumalibwa mu kwewaayo eri Ow’amaanyi Owa waggulu ﷺ. Allah ﷺ yalagira n’okusingira ddala okusaddaaka

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

(okugaba) eri abantu bano bebamu abawaddeyo obulamu bwaabwe eri Yye. (*Tafsīr-e-Na'īmī*, vol. 3, pp. 134)

Tusaba Allah ﷺ abasaasire ate atusonyiwe awatali kubalibwa kulwabwe!

أَمِينٌ بِجَاهِ النَّبِيِّ الْأَمِينِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ

Empeera yaba Şiddīqīn nsaanvu

Sayyidunā Anas رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba nti Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: Omuvubuka eyewala ebintu ebyalangirirwa Allah ﷺ nti biri Haraam, ate nakolera ku biragiyo Bye Allah ﷺ amugamba, 'Eri ggwe y'empeera eyenkanankana ba Şiddīqīn nsaanvu'.

(*Attarghīb fī Faḍāil-ul-A'māl*, pp. 78)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abaddu abatuufu aba Allah

Sayyidunā 'Abdullāh Bin Mas'ūd رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba nti Nabbi asinga Obunene n'Obutukuvu صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: Okuva mu bitonde Bye, Allah ﷺ asinga kwagala omuvubuka ow'ekyenyi ekinyirira amala obuvubuka bwe n'obulungi bwe mu kusinza Allah ﷺ. Allah ﷺ amwenyumirizamu mu maaso ga bamalayika era nagamba, 'Oyo muddu wange yennyini (omutuufu).' (*Attarghīb fī Faḍāil-ul-A'māl*, pp. 78)

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Besiimye nnyo abo abasiraamu abato abamala obuvubuka bwabwe nga bagoberera ebiragiro Ebitukuvu ate nga balwaanyisa obwagazi bwa Nafs ne sitaani yadde basobola okubutuukiriza. Basigala bawanguddwa okutya okungi Okutukuvu, era nefuna amadaala ag'okubeera abaddu abagalwa aba Allah. Aḥādīš zigamba nti waliyo amawulire amalungi eri abantu bano abesiimye eenyo. Era bafuna ekitiibwa ekinene mu bantu. (society)

Omuvuka eyegendereza

Okusobola okukyusa obuvubuka bwo bubeere akaseera akalungi akajudde emikisa emingi, okubukuuma okuva ku bibi n'okufuuka omusiraamu omwegendereza, funa kkaseti (cassette) y'omusomo ogwa odiyo oguyitibwa 'Bā-Hayā Nojawān' ogwafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, omukono ogufulumya ebitabo ogwa Dawat-e-Islami. Osobola n'okufuna akatabo ak'empapula 64 ak'omusomo gw'egumu okuva mu Maktaba-tul-Madīnah. Kesomere ggwe kennyini ate okagabire abalala. Ojja kufuna obungi by'emikisa bungi nnyo, **إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**. Nga agezaako okukubiriza abantu okufuna endowooza ey'okwewala ebibi, okwesamba obunafu, okuweereza eddiini n'ensi mu kugoberera mu bigere eby'abo aba atusooka abalongoofu **رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى** n'okukolera ku njigiriza z'obusiraamu okufuna obuwanguzi mu bulamu bw'ensi n'oluvannyuma (Aakhirah), omutoontomi yalunnamya bulungi nnyo omulembe gw'abavubuka:

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

*Tayray şofay ĥayn afrangī, tayray qālīn ĥayn Irani
Lahū mujĥ ko rulātī ĥay jawāno kī tan āsānī*

*Amārat kyā, shakh-e-khusraw bhī ĥo to kyā ĥāşil
Nā zaur-e-Ĥaydarī tujĥ mayn, nā istighnāye Salmānī*

*Nā dhūnd is chīz ko tahzīb-e-ĥāzīr kī tajallī mayn
Kay pāyā mayn nay istighnā mayn mi'rāj-e-Musalmānī*

Okuvvunnula: Entebbe yo ya Bugwanjuba (Western) ate kkapeti yo ya Yiraani (Iranian). Nkulukusa amaziga g'omusaayi olw'embeera z'obulamu ez'abavubuka baffe ez'okwedibaga n'okudibuuda n'okwewunda okungi ennyo. Newankubadde olina obugagga oba obufuzi (obuyinza), tewali mugaso gwabyo bwoba nga tolina buvumu bwa Sayyidunā 'Alī كَرَّمَ اللهُ تَعَالَى وَجْهَهُ النُّكْرِمِ n'obumativu bwa Sayyidunā Salmān رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ. Nsanze okwesiima kw'okubeera omusiraamu mu bumativu. Tobunoonyereza mu nkulaakulana ya mirembe gya leero.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Obuvubuka kyengera kiva wa Katonda

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Obuvubuka kyengera kinene nnyo ekya Allah عَزَّوَجَلَّ. Oyo akirina alina okukigulumiza nga amala ekiseera ekisinga mu kkyo mu bikolwa eby'okusiinza n'okugondera. Olina okuganyulwa ennyo mu

dayamandi zino ezitagulika ez'ebiseera. Ḥakīm-ul-Ummat Muftī Aḥmad Yār Khān عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْعَمَّانُ yagamba: Okusinza (Ibaada) okukolebwa mu buvubuka kusinga nnyo okwo okusinza mu bukadde, kubanga ekiseera ekisinga obulungi eky'okusinza ky'eky'obuvubuka.

*Ker jawānī mayn 'ibādat, kāhīlī achchī nahīn
Jab buḥhāpā ā gayā kuch bāt ban peṛtī nahīn*

*Ḥay buḥhāpā bhī ghanīmat jab jawānī ḥo chukī
Yeḥ buḥhāpā bhī na ḥogā maut jis dam ā gayī*

Okuvvunnula: Sinziza mu buvubuka. Togayalaala. Bwona kaddiwa, ojja kusanga okusinza nga kuzibu nnyo. Bwoba nga omaze okuwangaala obuvubuka bwo, olwo nno obukadde bwo nabwo bukozese nnyo kubanga tojja kubeera yadde n'obukadde ng'osisiinkanye okufaakwo.

Ebiseera byo biganyulwemu. Bitwaale ng'eby'omugaso ennyo. Akaseera akafiriddwa tekayinza kuddamu kufunika.

(Mirāt-ul-Manājīh, vol. 3, pp. 167)

Kyetagisiza ddala okutegeera omugaso gw'ennaku (days) z'obuvubuka. N'omubiri omulamu era ogw'amaanyi, omuvubuka asobolera ddala okukolera ku biragiro n'okukola ebikolwa by'okusinza n'obunyiikivu era bulungi nnyo. Ani ayinza okukuungula emikisa gino mu bukadde! Omusajja omukadde akisanga nti kizibu nnyo okugenda mu Masjid ate tasobola

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

kugumira bulumi bwa njala na nyoonta. Kimuzibuwalira okusiiba ebisiibo byonna ebya Farḍ, watya ate ebya Nafl. N’olw’ekyo, okusinza okukolebwa mu buvubuka kwansusso nyo.

Obusukkulumu bw’omusinzi omuto (omuvubuka)

Sayyidunā Anas Bin Mālik رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba nti Nabbi Ow’ekitiibwa era Amanyiddwa ennyo صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: Omuvubuka asiinza kumakya asinga (mu madaala) omukadde asiinza mu myaaka gy’obukadde; nga ba Nabbi عَلَيْهِمُ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ) bwe basukkuluma ku bantu bonna.

(Jam’-ul-Jawāmi’, vol. 5, pp. 235, Hadīṣ 14769)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Nga Hadithi eyo waggulu eraga nti omuvubuka asiinza wamukisa ddala ate eri yye g’emawulire amalungi ag’obusukkulumu n’obuwanguzi, kino tekitegeeza nti abantu abakadde si bamugaso n’akamu. Abaagalwa bange basseruganda abasiraamu! Kino kirowoozo kifu. Jjukira! Kabonero keyawuliride eri embeera y’obusiraamu okuggulumiza abakadde. Mu busiraamu, tewali nkola eyo ey’okufulumya abakadde okuva mu maka okubateeka mu bisulo oba amateendekero, nga tubalaba nga abatuletera obuzibu. Mpisa eyeyawuliridde ey’obusiraamu nti buwa ekitiibwa eri buli Musiraamu awatali kusossola mu lulyo, langi n’emyaaka. Ate kyyatteeka eri buli Musiraamu okulaba obukulu bwakyo.

Okunnyonnyola okumpimpi ku kino kuwandikiddwa mu katabo akayitibwa ‘*The Respect of a Muslim*’ akaafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnāh, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami. Mu bumpimpi, buli musiraamu, kabeere mukadde oba muto, atwaalibwa nti wamugaso mu busiraamu mu ngeri ey’enjawulo.

Obulungi bw’obukadde

Nabbi Ow’ekitiibwa era Amanyiddwa ennyo صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: Temusikaayo nvi kubanga Nūr y’amusiraamu. Omuntu akaddiwira mu busiraamu – ku lw’ensonga eno - Allah عَزَّوَجَلَّ ajja kumuwandiikira emirimu emirungi, amujjeko ebibi bye ate amusitule mu madaala. (*Sunan Abī Dāwūd, Kitāb-ut-Tarajjul, vol. 4, pp. 115, Ḥadīš 4202*)

Sayyidunā Ka’b Bin Murrah رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba nti Nabbi asinga Obutukuvu n’Obunene mu kitiibwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: Oyo akulira mu busiraamu, obukadde bwe bujja kumubeera Nūr ku lunaku lw’enkomerero.

(*Sunan-ut-Tirmizī, Faḍāil-ul-Jihād, vol. 3, pp. 237, Ḥadīš 1641*)

N’olw’ekyo, basseruganda abasiraamu abakadde tebalina kuggwaamu ssuubi. Tebalina kunakuwala. Buli kire kirina olukomera lwa feeza. Omuntu omu yagamba mu butuufu:

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Ĥay buřĥāpā bhī ghanīmat jab jawānī ĥo chukī
Yeĥ buřĥāpā bhī na ĥogā maut jis dam ā gayī

Okuvvunnula: Bwoba ng’omaze obuvubuka bwo, olwo nno tunuulira obukadde bwo ng’obwomugaso ennyo kubanga tojja kubeera yadde n’abukadde ng’osisiinkana okufa.

Newankubadde ekiruubirirwa ky’obulamubwo ku nsi okisaanze ku myaaka gyonna, tolina kunakuwala nakulowooza bubi. Kitwaale nti kyamugaso nnyo era wemalire mu kusanyusa Allah عَزَّوَجَلَّ ng’okaaba amaziga mu maaso ge era ng’ofuuka mulongoofu ng’enjuba y’obulamu bwo tennaba kugwa wansi. N’essuubi wamu n’okutya, jaangu mu maaso ga Allah عَزَّوَجَلَّ, ng’omusaba akusaasire. Fumiitiriza ku ayaa eno ereeta essuubi:

Temuggwaamu ssuubi
ery’okusaasira kwa Allah

لَا تَقْنَطُوا مِنْ رَحْمَةِ اللَّهِ ط

[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 24, Sūrah Az-Zumar, verse 53)

Tojja kudda ngalo nsa wadde munakuwavu wabula ojja kufuna omukisa ogw’okufuna obugagga obutaggwaawo obw’okuson yiyizibwa, إِنَّ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ. Kirina okumanyibwa era kijjukirwe nti okwenenya mu maaso ga Allah عَزَّوَجَلَّ n’ewankubadde mu myaaka gy’obukadde kiteendo ky’abo abesiimye era ab’omukisa. Ennaku zino, waliyo abantu bangi abatuuse mu myaaka

gy'obukadde naye bakyenyumiriza mu mizannyo n'ebikolwa ebya Ḥarām. Obuvubuka bwabwe babwononera mu bubuyabuya ate tebakyuka kudda ku kkubo ly'abulongoofu mu bukadde bwabwe. Kaseera ki ak'obulamu kebasigadde nako okweteekerateekera obulamu obw'oluvannyuma (Aakhirah)?

Ker na pīrī mayn tū ghaflat ikhtiyār
Zindagī kā ab naḥīn kuch' i' tibār

Halq per ḥay maut kay khanjar kī dhār
Ker bas ab apnay ko murdaun mayn shumār

Aik din mernā ḥay ākhir maut ḥay
Ker lay jo kernā ḥay ākhir maut ḥay

Okuvvunnula: Tobeera mubuyabuya mu myaaka gyo egy'obukadde. Embuyaga y'okufa kumpi nnyo egenda kusikiza omusubbaawa ogw'obulamu bwo. Obwogi bw'akaambe k'okufa buli ku mumiro gwo. N'olw'ekyo, weebalire mw'abo abafu. Olunaku lumu, ojja kusisiinkana okufa kwo. Kola byonna by'oyagala naye jjukira nti olina okisisiinkana okufa kwo.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ
تُؤَبُّوْا إِلَى اللهِ أَسْتَغْفِرُ اللهُ
صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Tulina okuganyulwa mu myaaka gyaffe egy'obuvubuka. Bwekitaba ekyo, tuyinza okwejjusa mu myaaka gyaffe egy'obukadde. Mu kiseera ekyo, omuntu asangibwa nti tayinza kutuukiriza kintu kinene. Ayagala okukola ekintu naye talina buvumu. Ayayanira obuvubuka bwe naye tebukomawo. Yejjusa obukadde bwe naye kikafuuwe kubanga tasobola kubwesamba.

Jo ā kay na jāye woĥ buřĥāpā daykhā

Jo jā kay na āye woĥ jawānī daykhī

Okuvvunnula: Tutuuse mu bukadde obujja okusigala naffe okutuusa okufa kwaffe. Tufiiriddwa obuvubuka bwaffe obutayinza kutuddira.

Abaagalwa sseruganda abasiraamu! Amazima gali nti waliwo obulungi bungi nnyo obw'okusiinza mu buvubuka. Engeri ennene ennyo Allah عَزَّوَجَلَّ gyawa emikisa eri omuvubuka asiinza era eyawala ebibi ennyonyodwa mu kyafaayo kino ekiddako.

Empeera ewebwa eri omuvubuka omulongoofu

Kiwandikiddwa ku lupapula 17 olw'akatabo 'Miraculous Wonders of Faruq-e-A'zam رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ' akaafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnah, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: Omuteesezi wa Nabbi, Sayyidunā 'Umar Fārūq-e-A'zam رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ lumu yagenda ku malaalo

g'omuvubuka omulongoofu nagamba, 'Owange gundi! Allah عَزَّوَجَلَّ yasuubiza nti:

وَلِمَنْ خَافَ مَقَامَ رَبِّهِ جَنَّاتٌ ۖ

Ate oyo atya okuyimirira mu maaso ga Mukamawe, eri ye ye Jannah ebbiri

[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 27, Ar-Raḥmān, verse 46)

Owange muvubuka! Mbuulira! Oli otya mu ntaana?' Ng'ayita erinnya lya Sayyidunā 'Umar Fārūq-e-A'zam رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ emirundi ebiri, omuvubuka omulongoofu oyo yagambira munda mw'entaana ye, 'قَدْ أَعْطَيْنَاهُمَا رَبِّي عَزَّوَجَلَّ فِي الْجَنَّةِ' i.e. Omutonzi wange عَزَّوَجَلَّ ampadde Jannah zino ebbiri.

(Tārīkh-e-Madīnah Dimashq, vol. 45, pp. 450)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

سُبْحَانَ اللَّهِ عَزَّوَجَلَّ! Ekyafaayo ekyo waggulu kiraga nti oyo amala obulamu bwe nga akola emirimu emirungi ate n'asigala nga abuutikiddwa okutya kw'Obwakatonda ajja kufuna Jannah ebbiri ku lw'okusaaasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ. N'olw'ekyo, mala obuvubuka bwo mu kutya Katonda n'obulongoofu, nga weewala obwagazi bwa Nafs (Omwoyo gwo). Beera mwegendereza mu buvubuka bwo. Jjukira! Kyabussiru okwewanira ku byobugagga ebiggwaawo era ebizikirizibwa eby'obuvubuka n'obulungi.

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Dhāl jāye gī yeh̄ jawānī jis pay tujh̄ ko nāz h̄ay
Tū bajā lay chāhay jitnā, chār din kā sāz h̄ay

Okuvvuunula: Tojja kuddamu kubeera mu kimyanso ekisooka eky’obuvubuka bwo, naye obwewanirako. Ffuuwa engombe nga bwoyagala naye ojja kujifiirwa mangu ddala.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ
تُؤَبُّوْا إِلَى اللَّهِ أَسْتَغْفِرُ اللَّهَ
صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Muwulirize ebyafaayo bino eby’abavubuka babiri abaali basiinza Katonda ate nga bamutya nnyo ate mulabe engeri ebyamagero bwebiweebwa eri abo emitima gyabwe egijjudde okujjukira ObwaKatonda.

Omuwubuka eyali alina ekyamagero

Sayyidunā Mālik Bin Dīnār عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْعَفَّاءُ yagamba: Lumu mu lugendo, nawulira ennyonta enyingi. Nga nnoonya amazzi, natambula nenjolekera olusenyi (ekikko). Mu kaseera ka mbagirawo, nawulira eddoboosi eritiisa. Nalwooza nti ‘Kirabika waliwo ekisolo ekingoba’. Nali ndi kumpi kudduka olwo nno nempulira omuntu eyali awogganira mu nsozi (ezaali okumpi), ‘Musajja! Tewali kintu ekyo kyewabadde olowooza.

Waliwo Wali¹ wa Allah عَزَّوَجَلَّ. Abadde assizza ekikkoowe eky'amaanyi eky'okuliindirira okungi, era eddoboosi eryo erya waggulu gyerivudde.'

Sayyidunā Mālik Bin Dīnār عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْعَقَّارِ yamala n'agamba: Nga nziramu okugoberera ekkubo, nasanga omuvubuka omuto eyali yenyigidde ennyo mu kusiinza. Namutoolera Salām, nemugamba ku nyoonta yange (eyali enyingi. Yanziramu, 'Owange Malik (رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى عَلَيْهِ)! Tofunye yadde ttoondo ly'amazzi mu nsi ennene (engazi) bweeti.' Oluvannyuma, yaseemberera ejjinja nalisamba, nagamba, 'Tukkuse enyoonta zaffe n'amazzi ku lw'Amaanyi g'Oyo alina amaanyi ag'okuzuukiza n'amagumba agavuunze okuva mu bafu.' Mangu ddala, amazzi gaataandika okukulukuta okuva mu jjinja nga galinga olusulo (oluzzi). Nanywa okutuusa bwenakkuta. Namala nengamba omuvubuka oyo, 'Nkusaba ombulirire ekinangasa lubeerera.' Yamala nagamba, 'Wenyigire nnyo mu kusiinza Allah عَزَّوَجَلَّ nga weyawuliridde. Ye عَزَّوَجَلَّ ajja kkuwa amazzi mu nsiko.' Ng'amaze okwogera kino, yandeka emabega nagenda.

(Ar-Rauḍ-ul-Fāiq, pp. 166, amended)

Mayrī zindagī bas Tayrī bandagī mayn

Ĥī ay kāsh! Guzray sadā Yā Ilāhī

Okuvvunnula: Owange Omusukkulumu Ow'amaanyi! Singa obulamu bwange mbumalira mu kukusiinza.

¹ i.e. mukwaano

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Omuvubuka omulongoofu era atya Katonda

Sayyidunā Ẓunnūn Miṣrī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي yagamba: Lumu nagenda mu Busiiri (Syria) nempita kumpi n'ennimiro eyali ebaze obulungi ngejjude kiragala mwennalaba omuvubuka eyali yebbiinkidde mu kusaala Ṣalāh wansi w'omuti gwa apo (apple). Nawalirizibwa okwogerako naye. Omuvubuka oyo bweyamala okusaala Ṣalāh, nagezaako okusikiriza okufaayo kwe naye yawandiika ennyiriri zino wansi ku ttaka mu kifo ky'okunziramumu n'okwogera:

مُنْعَ اللِّسَانِ مِنَ الْكَلَامِ لِأَنَّهُ كَهْفُ الْبَلَاءِ وَ جَالِبُ الْأَفَاتِ
فَإِذَا نَطَقْتَ فَكُنْ لِرَبِّكَ ذَاكِرًا لَا تَنْسَهُ وَأَحْمَدُهُ فِي الْحَالَاتِ

Okuvvunnula: Olulimi luziyiziddwa okwogera kubanga mpuku yabizibu nampalana. N'olw'ekyo, bwoyogera ekintu kyonna, kola Žikr ya Allah عَزَّوَجَلَّ. Tomwerabiranga ate sigala ng'omuteen dereza mu buli mbeera.

Nga akuyuusiddwa nnyo ebyo ebyaali biwandikiddwa omuvubuka oyo, Sayyidunā Ẓunnūn Miṣrī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي yatulika mu maziga amangi. Oluvannyuma Sayyidunā Ẓunnūn Miṣrī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى bweyadda engulu, omuvubuka yawandiika ennyiriri zino wamanga ku ttaka:

وَمَا مِنْ كَاتِبٍ إِلَّا سَيِّئِلِي وَ يُبْقِي الدَّهْرُ مَا كَتَبْتَ يَدَاهُ
فَلَا تَكْتُبْ بِكَفِّكَ غَيْرَ شَيْءٍ يَسْرُكُ فِي الْقِيَامَةِ أَنْ تَرَاهُ

Okuvvunnula: Buli muntu awandiika ajja kuyingira mu ntaanaye naye ekiwandiiko kye kijja kusigala lubeerera. N’olw’ekyo wandiika ekintu ekyo ekikuleetera essanyu ku lunaku lw’enkomerero. (Qiyaamah)

Sayyidunā Zunnūn Miṣrī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي yamala nagamba: Nga maze okusoma ebyo ebyaali biwandikiddwa, omuvubuka ono omulongoofu yawoggana nnyo era naafa. Nalwooza okumunaaza n’okumuziinga mu ssaanda naye nawulira eddoozi okuva awatalabwa: ‘Zunnūn! Muleke. Omutonzi w’ensi (عَدَّوَجَلَّ) yamusuubiza nti bamalayika bajja kumunaaza era bamuziinge mu ssaanda.’ Bweyawulira kino, Sayyidunā Zunnūn Miṣrī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْقَوِي yadda kuludda lw’ennimiro eyo n’atandika okusinza. Bweyali amaze okusaala Rak’āt ezimu eza Ṣalāh, ye عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى yalaba nti omuvubuka oyo yali abuzeewo.

(*Rauḍ-ur-Riyāhīn*, pp. 49, amended)

Raḥūn mast-o-bay-khud mayn Tayrī wilā mayn

Pilā jān aysā pilā Yā Ilāhī

Okuvvunnula: Owange Omusukkulumu Ow’amaanyi! Nyweesa eky’okunywa ekyo ekijja okunteeka okubeera nti ntamiira ettamiiro ely’okukusiinza.

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Abesiimye wansi w'ekisiikirize kya 'Arsh

Okuyozaayoza eri oyo omuvubuka eyali asiinza era nga atya nnyo Katonda! Ku lunaku lw'enkomerero, omusana gujja kuyakira ku mayiro emu okuva wansi ate tewajjakubaawo kisiikirize okuva ku kwokya kwagwo okujjako ekisiikirize kya 'Arsh. Allah عَزَّوَجَلَّ ajja kuwa omukisa eri oyo omuvubuka eyesiimye ogw'okubudama wansi w'ekisiikirize kya 'Arsh Ye. Sayyidunā 'Abdur Raḥmān Jalāluddīn Suyūṭī Shāfi'ī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ yagamba nti Sayyidunā Salmān رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ yawandiikira Sayyidunā Abū Dardā رَضِيَ اللَّهُ تَعَالَى عَنْهُ ebbaluwa, ng'egamba: 'Abasiraamu ab'ebitendo ebimu bajja kubeera wansi w'ekisiikirize kya 'Arsh: (Ababiri ku bbo beebano)

1. Omuntu akuze mu mbeera nti omukwaano gwe, obuvubuka bwe n'amaanyi ge byateekebwa mu kusanyusa Allah عَزَّوَجَلَّ.

Omuntu eyakola Žikr ya Allah عَزَّوَجَلَّ amaziga negajjula mu maaso ge mu kutya Katonda. (*Muṣannaf Ibn Abī Shaybah, Kitāb-uz-Zuhd, vol. 8, pp. 179, Ḥadīṣ 12*)

*Yā Rab mayn Tayray khauf say rotā rahūn ḥer dam
Tū apnī maḥabbat mayn mujḥay mast banā day*

Okuvvunnula: Owange Omusukkulumu Ow'amaanyi! Nsaba nkaabe ku maziga agava mu kukutya! Mpa omukisa ogw'oku kwagala ennyo nnyini ddala, okwagala okusukkulumu.

Bakadde baffe abaatusooka abalongoofu رَحْمَةُ اللَّهِ تَعَالَى baali batwaala obuvubuka bwabwe nga bwamugaso nnyo era baali bakubiriza n’abalala okukola kyekimu.

Okubuuliriro kwa Imām Ghazālī

Ng’abuulirira abavubuka n’abo abalwaawo okwenenya, Hujjat-ul-Islam Sayyidunā Imām Abū Ḥāmid Muhammad Bin Muhammad Ghazālī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْوَالِي yagamba: Tolaba ebbaanga eddene lyomaze ng’osubiza Nafs nti ojjakutandika okukola emirimu emirungi enkya? ‘Enkya’ efuseemu ‘leero’. Tolaba nti ‘enkya’ eyiseewo, nefuukamu ‘leero’? Amazima gali nti tojja kusobola kukola mulimu ogwo omulungi enkya nga bwobadde osobola leero. (Oyo aleka omulimu gwa leero nga tagumalirizza ate nalwaawo okwenenya n’okugondera) alinga omuntu atayinza kukuula muti ogw’obuvubuka bwe ate nalwaawo okutuusa omwaaka ogujja ng’ate amanyi bulungi amazima nti omuti gujja kubeera nga gufuuse mugumu (munyweevu) nnyo, ng’ebiseera bwebiyita, ate ajja kubeera munafu nnyo. Nabwekityo oyo atasobola ku gukuula mu buvubuka bwe tayinza era talisobola kugukuula mu bukadde bwe. (*Ihyā-ul-‘Ulūm, vol. 4, pp. 72*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Nga ebigambo ebyo waggulu ebya Imām Ghazālī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْوَالِي bimegga ebiroozo byaffe! Omuntu alaga obugayaavu mu kukolera ku biragiro bya Allah عَزَّوَجَلَّ ne Sharī’ah mu buvubuka bwe asubira atya

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

okusasulira ensobize mu myaaka gy’obukadde ng’omubiri gwe gunafuye? N’olw’ekyo, obuvubuka bwo butwaale nga eky’omugaso ennyo era luunda embalaasi eyo eteereddwa eya Nafs era gisibire ku nkoondo y’obulongoofu mu kiseera ky’ekimu eky’obulamamu bwo. Yanguwa nnyo okwenenya kubanga teri amanyi kiseera kye eky’okufa. Oyinza okusisiinkana okufa kwo essaawa yonna k’obeere mu buvubuka oba mu buwere.

N’olw’ekyo, newankubadde oyita mu kiseera kyonna eky’obulamamu, lowooza nnyo ku kufa. Dduka nnyo era yanguwa wenenye. Abavubuka, n’okusiingira ddala, balina okufaayo ennyo kubanga Allah ﷺ ayagala nnyo okwenenya kw’omuvubuka.

Obulungi bw’okwenenya mu buvubuka

Nabbi Asinga Obunene mu kitiibwa n’Obutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: ‘إِنَّ اللَّهَ تَعَالَى يُحِبُّ النَّاسَ النَّائِبَ’ Oyo eyenenya mu buvubuka bwe mwagalwa wa Allah ﷺ.’ (Kanz-ul-‘Ummāl, Kitāb-ut-Taubāh, Al-Juz 4, vol. 3, pp. 87, Hadīṣ 10181)

Omuddu omwagalwa wa Allah

Omubuliririzi w’Obusiraamu ‘Allāmah Shaykh Shu’ayb Ḥarīfīsh رَحْمَةُ اللهِ تَعَالَى عَلَيْهِ yagamba: Allah ﷺ ayagala nnyo omuddu We nga yenenyezza mu buvubuka bwe. Omuvubuka alinga ensiko ey’ekiragala lubeerera. Omuvubuka, newankubadde ng’asikirizibwa eby’okweyunda n’amasanyu g’okunsi, bweyewala ebintu ebyo olw’okusiimibwa kwa Katonda, olwo nno abeera nga asaanira

okwagala Allah عَزَّوَجَلَّ, era neyegatta mu kinywi ky'abo abaddu Be abagalwa. (*Hikāyatayn aur Naṣīhatayn*, pp. 75)

Sayyidunā Anas Bin Mālik رَضِيَ اللهُ تَعَالَى عَنْهُ yagamba nti Nabbi Ow'ekitiibwa era Amanyiddwa ennyo صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba: Allah عَزَّوَجَلَّ tayagala muntu yenna kusinga omuvubuka eyeneya. (*Kanz-ul-'Ummāl, Kitāb-ul-Mawā'iz, Al-Juz 15, vol. 8, pp. 332, Ḥadīṣ 43101*)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Kola Istighfār mu buvubuka

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Nga yesiimye nnyo oyo omuvubuka asiinza era eyeneya! Allah عَزَّوَجَلَّ amufuula okubeera omuddu omwagalwa. Kigambiddwa mu butuufu nti:

دَر جَوَانِي تَوْبَه كَرْدَن شِيَوَه پَيَعَمَبَرِي
وَقْتِ پِيرِي كُرْگِ ظَالِمِ مِي شَوَد پَرهِيْزگار

Okuvvunnula: Okukola Istighfār mu buvubuka kimu ku Sunnah za ba Nabbi عَلَيْهِمُ الصَّلَاةُ وَالسَّلَام. Mu bukadde, n'omusege omulyazamaanyi nagwo gweyambaza ekyambalo ky'obulongoofu.

Ekirowoozo kya sitaani n'eddagala lyakyo

Ekirowoozo kya sitaani: Olunyiriri Olwo waggulu lulaga okweneya ne Istighfār nga bwebiri Sunnah zaba Nabbi عَلَيْهِمُ

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

مَعَادَ اللَّهِ عَزَّوَجَلَّ, naye ate okwenenya kukolebwa olw'ebibi. عَلَيْهِمُ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ ebibi biyinz'a okukolebwa ne ba Nabbi عَلَيْهِمُ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ?



Eddagala ly'ekirowoozo kya sitani: Tekisobokera ddala lubeerera. Ba Nabbi عَلَيْهِمُ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ bali Ma'sūm okuva ku buli kibi n'ebikolwa ebibi. Ekigambo 'Ma'sūm' wano kitegeeza nti obukuumi obwa Katonda bwasuubizibwa gyebali. Nabwekityo, mu Shari'ah, tekisoboka gyebali okukola ekibi n'ekimu. Mu ngeri y'emu, ku kwegatta kw'abamanyi, bali Ma'sūm okuva ku buli kikolwa ekikontana n'ekitibwa kyabwe n'obusukkulumu bwabwe mu biseera byombi nga tebafuuka ba Nabbi era nga bamaze n'okufuuka ba Nabbi. Okweyongerayo, bali Ma'sūm ddala okuva ku bibi ebinene. Ate amazima gali nti bali Ma'sūm okuva n'okukola ebibi ebitonotono mu biseera byombi nga tebannafuuka ba Nabbi era nga bamaze n'okufuuka ba Nabbi.

(Derived from: Bahār-e-Sharī'at, vol. 1, pp. 38-39)

Mu kukkiriza, kigambibwa nti ba Nabbi عَلَيْهِمُ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ baali beenenya era nga bakola Istighfār naye babikola ebyo okulaga obwetoowaze n'okusomesa Ummaḥ zabwe. Eno y'ensonga lwaki okwenenya ne Istighfār binnyonnyoddwa nga Sunnah ya ba Nabbi عَلَيْهِمُ الصَّلَاةُ وَالسَّلَامُ mu lunyiriri olwo waggulu.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Okubuulirira eri omuvubuka

Hujjat-ul-Islam Sayyidunā Imām Muhammad Bin Muhammad Ghazālī عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْوَالِي yagamba: Ng’abuulirira omuvubuka, Sayyidunā Manşūr Bin ‘Ammār عَلَيْهِ رَحْمَةُ اللَّهِ الْعَقَّامُ yagamba, ‘Owange muvubuka! Tolina kulimbisibwa buvubuka bwo. Abavubuka bangi nnyo bebbiinkira mu kuyayaana okungi n’eberabira okufa kwabwe, nebalwiisa era nebeerabira okwenenya, nga bagamba: ‘Njakwenenya enkya oba olunku oluddako oluvannyuma lw’enkya.’ Mu nkomerero, malayika y’okufa yayja nga baali babuyabuya ku kufa kwabwe. Baaziikibwa mu ntaana zabwe ezaali zikutte ekizikiza ate tebaaganyulwa mmaali yabwe, baddu baabwe, bazadde baabwe wadde baana baabwe. Kigambiddwa mu ayaa 88 ne 89 eza Surah Ash-Shu’arā, ekituundu 19:

يَوْمَ لَا يَنْفَعُ مَالٌ وَلَا بَنُونَ ﴿٨٨﴾ إِلَّا مَنْ آتَى اللَّهَ بِقَلْبٍ سَلِيمٍ ﴿٨٩﴾

Olunaku emmaali wadde abaana lwebitajja kugasa. Okujjako oyo eyajja mu maaso ga Allah, n’omotima omulongoofu(1).

[Kanz-ul-Īmān (Translation of Quran)] (Part 19, Ash-Shu’arā, verses 88-89)

(Mukāshafa-tul-Qulūb, pp. 87)

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

تُؤْتُوا إِلَى اللَّهِ أَسْتَغْفِرُ اللَّهَ

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللَّهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Okusobola okweteek erateekera obulamu obw’oluvannyuma, okwewala ebibi, okunyweera mu kukola emirimu emirungi n’okumala obuvubuka bwo mu kugondera Allah ﷺ ne Nabbi We صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ, sigala nga wekutte ku mbeera ya Madanī eya Dawat-e-Islami. Tambula ne Madanī Qāfilaḥ ezaagazisa Sunnaḥ mu kinywi ky’abaagazi ba Rasūl. Okusobola okuwangaala obulamu obw’obuwanguzi n’okufuula obulamu bwo obw’olu vannyuma okubeera obulungi ennyo, kolera ku Madanī In’āmāt ng’okola Fikr-e-Madīnaḥ buli lunaku ate oweeyo akatabo kano eri oyo ow’oluganda akavunaanyizibwa kwo buli mweezi.

Wejjuumbire mu kwetaba mu Ijtimā’āt za buli wiiki ezaagazisa Sunnaḥ n’obuvumu n’obwagazi obw’ensusso. Okusobola okukola okwenenya okwanamaddala n’okufuna okumanya okungi okukwaata ku kino, soma ekitabo eky’empapula 132 ekiyitibwa ‘*Taubah ki Riwāyāt-o-Hikāyāt*’ ekireetebwa Maktaba-tul-Madīnaḥ, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami. Okwongerako, wetabe mu Madanī Muḥākaraḥ, ofune ebimuli by’okumanya n’amagezi. Basseruganda n’ebannyina abasiraamu balina okulaba Madanī Muḥākaraḥ ku Madani Channel.

Emikisa gy’okulaba Madanī Muḥākaraḥ ku Madani Channel

Wano waliwo okunokola okuva ku lupapula 58 olw’ekitabo ekiyitibwa ‘*Backbiting – A Cancer in our Society*’ ekyafulumizibwa

Maktaba-tul-Madīnāh, ekitongole ekifulumya ebitabo ekya Dawat-e-Islami: **اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ**, Dawat-e-Islami – ekibiina eky’ensi yonna ekitali kya byabufuzi ekisomesa Quran ne Sunnah – kitaddewo ebitongole bingi nnyo, ebisaasaanya obubaka bw’obusiraamu mu nsi yonna. Ebimu ku bitongole bino kyekitongole kya Madani Channel, omukutu gwa ttivvi Dawat-e-Islami mwesasaanyiza enjigiriza z’Obusiraamu mu maka mangi mu nsi nyingi nnyo. Guno omukutu gw’abusiraamu ddala ate gwegumu ku bika byagwo mu nsi yonna, kubanga tegulina firimu na mizannyo, tegulina nnyiimba, tegulina bakazi, era tegulina bidoongo bya kika kyonna.

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ عَزَّوَجَلَّ! Ku lw’emikisa gya Madani Channel, abatali basiraamu bangi nnyo basiramuse. Abantu bangi abaali batasaala Ṣalāh kati bataandise okusaala Ṣalāh mu biseera byaazo ate abantu abatabalikika beenenyezza ebibi byaabwe, nebeekwatira ku Sunnah. Katuwulirize ekyafaayo kya Madani, ekyasiindikibwa sseruganda omusiraamu ku ‘email’, ng’alabye amaanyi ga Madani Channel.

Wano bwekiri mu bumpimpi: Kisangibwa nnyo ennaku zino nti abantu beetabira mu kugeya newankubadde tebakiraba. Sseruganda omusiraamu eyali azze mu Bāb-ul-Madīnāh (Karachi) okuva mu Hyderabad (Bāb-ul-Islam) yagamba basseruganda balala abasiraamu: Mukwano gwange omu yangamba. ‘Mwanyina wange anyiiga mangu. Bwanyigira omuntu yenna, amwewala. Olunaku lumu, mwanyina wange

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

yali afunye obutakkaanya ne mwannyina wa mukyala wange ku kintu ekimu era nalekerawo okwogera naye. Eky’omukisa, ekiro ekyo kyennyini, ‘Madanī Muḏākaraḥ’ emu yali eweerezebwa ku Madani Channel – omukutu ogumanyiddwa ennyo era nga 100% gwa busiraamu ogwa Dawat e Islami. Mu Madanī Muḏākaraḥ eyo, ebirowoozo eby’okwekuuma okuva ku bubu bw’okugeya byakubirizibwa. Ku lw’obulungi bw’okulaba Madanī Muḏākaraḥ, oyo mwannyina wange y’omu eyali anyiiga amangu nga yewala okusisiinkana abalala teyakoma ku kusisiinkana mwannyina wa mukyala wange wabula yamusaba n’ekisonyiwo, nebatagana.’

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ



Abaagalwa basseruganda abasiraamu! Nga nsembedde ku nkomerero y’okubulirira kwange, njagala ntwaale akakisa kano okwogera ku bulungi bwa Sunnah era ne Sunan ezimu n’empisa. Nabbi wa Raḥmaḥ, Omuwolerezi wa Ummaḥ, Nannyini Jannaḥ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ yagamba, ‘Oyo ayagala Sunnah yange, anjagala, ate oyo anjagala ajja kubeera nange mu Jannaḥ.’

(Mishkāt-ul-Maṣābīḥ, vol. 1, pp. 55, Ḥadīṣ 175)

*Sīnāḥ tayrī Sunnat kā Madīnāḥ banay Āqā
Jannat mayn paṛausī mujḥay tum apnā banānā*

Okuvvunnula: Nsaba omutima gwange gujjule obwagazi bwa Sunnah yo. Owange Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ! Nkusaba onteeke mbeere mulirwana wo mu Jannah.

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Okuyingira n’okufuluma amaka: Ebimulu bya Madani 12

1. Bwoba ng’ofuluma ewaka, soma Du’ā eno:

بِسْمِ اللَّهِ تَوَكَّلْتُ عَلَى اللَّهِ لَا حَوْلَ وَلَا قُوَّةَ إِلَّا بِاللَّهِ

N’erinnya Iya Allah عَزَّوَجَلَّ, ntadde obwesigwa bwange mu Allah عَزَّوَجَلَّ, tewali bufuzi wadde maanyi awatali Ye.

(Sunan Abī Dāwūd, vol. 4, pp. 420, Ḥadīṣ 5095)

إِنْ شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ! Ku lw’obulungi bw’okusoma Du’ā’ eno, omusomi wayo ajja kusigala ku kkubo ettuufu ate ajja kuumibwa okuva ku bizibu era ajja kufuna omukisa gw’obuyambi okuva eri Katonda

2. Du’ā y’okuyingira amaka:

اللَّهُمَّ إِنِّي أَسْأَلُكَ خَيْرَ الْمَوْلَجِ وَخَيْرَ الْمَخْرَجِ بِسْمِ اللَّهِ
وَلَجْنَا وَبِسْمِ اللَّهِ خَرَجْنَا وَعَلَى اللَّهِ رَبِّنَا تَوَكَّلْنَا

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ, nkusaba ompe obulungi obuli mu kujja n'okufuluma. Tuyingidde (amaka) n'erinnya lya Allah عَزَّوَجَلَّ era netufuluma (amaka) n'erinnya lya Allah عَزَّوَجَلَّ ate tuteeka obwesigwa bwaffe mu Allah عَزَّوَجَلَّ, Rab waffe عَزَّوَجَلَّ. (ibid, Ḥadīṣ 5096)

Oluvannyuma lw'okusoma Du'ā eno, toola Salām eri ab'omunju, ate oweereze Salām eri Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ. Oluvannyuma soma Sūrah Al-Ikhlās. Wajja kubeerawo emikisa mu kugabirirwa kwo ate enyumba ejja kukuumbwa okuva ku nyombyo, إِنَّ شَاءَ اللهُ عَزَّوَجَلَّ.

3. Toola Salām eri ba Maḥārim ne ba Maḥrimāt (e.g. mmaama, ttaata, muganda wo, mwannyina, abaana, mukyaala wo etc.)
4. Omuntu yenna bwayingira amaka nga tasomye rinnya lya Allah عَزَّوَجَلَّ, e.g. nga tagambye بِسْمِ اللهِ, sitaani nayo eyingira naye.
5. Omuntu bwayingira enyumba omutali muntu (k'ebeere amaka go nga temuli muntu) alina okugamba:

السَّلَامُ عَلَيْنَا وَعَلَى عِبَادِ اللَّهِ الصَّالِحِينَ

Salām ebeere ku ffe n'abaddu ba Allah abalongoofu.

Ba malayika bajja kuddamu Salām ye eno. (Rad-dul-Muhtār, vol. 9, pp. 682) Oyinza okugamba nekino:

السَّلَامُ عَلَيْكَ أَيُّهَا النَّبِيُّ

Owange Nabī صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ Salām ebeere ku ggwe.

Omwoyo omutukuvu era ogw'emikisa ogwa Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَيْهِ وَآلِهِ وَسَلَّمَ gubeerawo mu maka g'abasiraamu. (*Sharah Ash-Shifā lil-Qārī, vol. 2, pp. 118*)

6. Nga tonnaba kuyingira maka ga muntu yenna, gamba 'السَّلَامُ عَلَيْكُمْ! Nsaba kuyingira?'
7. Bwoba nga tokkiriziddwa kuyingira, ddayo ng'oli musanyufu ngatonyiize. Baandiba nga bakugaanye okuyingira kubanga bawaliriziddwa olw'ekintu kyonna.
8. Omuntu bwakoonkona ku luggi lwo, kya Sunnah okubuuza ani yo. Omuntu akoonkona alina okw'ogera erinnya lye, okugeza, *Muhammad Ilyās*. Mu kifo ky'okwogera erinnya, okwogera ebintu nga *Madīnah!* 'Ye nze', 'ggulawo oluggi' etc. si kya mu Sunnah.
9. Ng'omaze okwogera erinnya lyo, yimirira ku ludda oleme kulaba munda mu nyumba nga oluggi lugguddwawo.
10. Tekikirizibwa kuliingiza mu nyumba y'omuntu. Amayumba agamu mawanvu okusinga amalala agali okumpi. N'olw'ekyo, abo ababeera mu mayumba amawanvu balina okwegendereza ennyo nga batunula ewabweru wa 'bbalikoni' oba mu madirisa g'enju zabwe.

Obuvubuka bwaffe tubumale tutya?

11. Bwogenda mu maka g'omuntu omulala, tomala gasuunga nakwogera ku ntegeka y'amaka, kubanga kino kiyinza okubanyiiiza ennyo.
12. Bwoba ng'ogenda, saba Du'ā eri ab'enju, beebaze, toola Salām, era bawe ekirabo ky'akatabo akakubiriza okukolera ku Sunnaḥ, bwekiba kisoboka.

Okusobola okuyiga Sunan ez'enjawulo, gula era osome ebitabo ebibiri ebyafulumizibwa, Maktaba-tul-Madīnaḥ, 'Baḥār-e-Sharī'at (part 16)', ekirimu empapula 312, ne 'Sunnatayn aur Ādāb', ekirimu empapula 120. Engeri enungi ennyo ey'okufuna okumanya ku Sunnaḥ kwekutambula ne Madanī Qāfilah za Dawat-e-Islami mu kinywi ky'abaagazi ba Nabbi.

Sīkḥnay sunnatayn Qāfilay mayn chalo

Lūinay rahmatayn Qāfilay mayn chalo

Ḥaun gī ḥal mushkilayn Qāfilay mayn chalo

Pāo gey barakatayn Qāfilay mayn chalo

Okuyiga Sunnaḥ, taambula ne Qāfilah

Okufuna okusaasirwa, taambula ne Qāfilah

Ebizibu byo bijja kumalibwa, taambula ne Qāfilah

Ojja kufuna emikisa mingi eminene, taambula ne Qāfilah

صَلُّوا عَلَى الْحَبِيبِ صَلَّى اللهُ تَعَالَى عَلَى مُحَمَّدٍ

Okufuuka omulongoofu era omusiraamu asaala e Salah

Mala ekiro kiramba mu Ijtimah eyagaza Sunnah ey'abuli wiiki eya Dawateislami etegekebwa buli Lwakuna oluvanyuma lwa Salat-ul-Maghrib mu kibuga kyo, okufuna okusiimibwa kwa Allah (عَزَّوَجَلَّ) n'ekigendererwa ekirungi. Okuyiga e Sunnah, kifuule kyabuli gyo okutaambula ne **Madani Qafilah** z'ennaku 3 buli mweezi n'abagaazi ba Rasul, okujjuzaamu akatabo ka **Madani In'amaat** buli lunaku ng'okola **Fikr-e-Madinah** era okawe oyo ow'oluganda abuvunanyizibwakwo mu kifo kyo ku lunaku olusooka mu buli mweezi ogwa Madani.

Ekiruubirirwa kyange ekya Madani: "Nnina okulafuubana okwelongoosa nze sekinnoomu n'abantu b'ensi yonna, **إِن شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**." Okuloongoosa emyooyo gyafe, tuyina okukolera ku **Madani In'amaat** ate okuloongoosa abantu b'ensi yonna, tuyina okutaambula ne **Madani Qafilah** **إِن شَاءَ اللَّهُ عَزَّوَجَلَّ**.



www.dawateislami.net



MC 1286

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagaran
Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan.

UAN: +92 21 111 25 26 92 | Ext: 7213

Web: www.dawateislami.net | E-mail: translation@dawateislami.net